# Ebintu 50 ebikutamya Kampala mu kiseera kino

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

EKIBUGA Kampala bw'okituukamu oyinza okugamba nti kyafuuka kasobeza, anti bw'otaba mwegendereza osobola okukifuluma ng'okifunyeemu 'ebinuubule'.

Bwe batakubba osobola okukubwa effunfugu okuva mu bizimbe ebizimbibwa, gwe atatera kukiyitamu osobola okubula oba bodaboda okukutomera.

Akanyigo akakirimu nako si kaabulijjo, ng'oggyeeko okuba nti akeetalo ka Ssekukkulu katandise, naye n'omwala gwa Nakivubo oguli mu kuzimbibwa, teguleese kanyigo nneeyano! *Bukedde* akuleetedde ebintu 50 ebireetedde Bannakampala okwetamwa ekibuga kyabwe naddala mu kiseera kino;

**1** Ebizimbe ebizimbibwa: Mu Kampala kumpi buli w'okuba amaaso waliwo ekizimbe ekizimbibwa oba okuddaabirizibwa nga kyangu effunfugu oba omutayimbwa oba seminti okukuyiikira, anti abamu tebasibako katimba katangira .

**2** Ebinnya ebiri mu Kampala singa otambula teweegenderezza oyinza okukkakkana ng'omenyese okugulu.

**3** Abatembeyi abayiye emmaali kumpi ku buli luguudo nga beetegekera Ssekukkulu, tebakomye kuleeta kanyigo k'abantu wabula oyinza n'okulinnya mu mmaali ye n'agikusasuza.

**4** Abasajja abatigaatiga naddala abawala n'abakazi ku miryango egiyingira ebizimbe.

**5** Aba bodaboda abatassa kitiibwa mu mateeka ga ku nguudo, tebayimirira ku bitaala wadde okuwa ekitiibwa ekifo abantu we basalira. Bw'otaba mwegendereza bayinza okukutomera.

**6** Abafere naddala abambala obulungi, ne bakuba ekikalu wamu n'okusiba ettaayi kyokka nga ebyaddala bafere. Babeera mu bifo naddala okuliraana bbanka oba ebibanda by'emmotoka era bangi be babbye.

**7** Babbulooka abayita abantu okulinnya bbaasi. Bano bwe balaba akutte ensawo bakugwira ne batandika okukusikaasikanya ne bakumalako emirembe.

**8** Obubbi: Buno bwa bika bingi kyokka waliwo abeefuula abeetissi b'emigugu ne babba, basobola okukukwata akabadiya naddala ekiro n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo. Bano osaana n'obeerinda.

**9** Abasindika ebigaali. Bano balinga bavuzi ba bidduka, olina okubeegendereza kubanga basobola okukikutomeza.

**10** Abatakisi abayimirira buli we basanze nga balengedde omuntu gwe bateebereza nti agenda ate nga mulimu n'ez'ababbi.

**11** Okuziba amakubo: Mu Kampala, olunaku lusobola okukya ng'oluguudo lw'obadde okozesa luzibiddwa olwo n'odda mu kwetoloola. Kino nakyo kifuuse kizibu.

**12** Ab'emigugu: Bano nga kw'ossa n'abeetikka ebintu ebirala ebizito, bwotabaviira bakuyitamu. Gwe kasita owulira nti 'faasi faasi' ne weesiggiriza oba owedde!

**13** Ababuulizi b'enjiri abaleekaana: Bano nabo bafuukidde Bannakampala ekizibu nga bateega ku bitaala emmotoka we ziyimirira ne ku nguudo okuyita abantu.

**14** Abanoonya abasiba enviiri: Bano bajjula n'okuyita abasajja nga baagala babakole enviiri! Bali kumpi ku buli mulyango oguyingira akeedi.

**15** Abatambuza emmere: Ng'oggyeeko okuba nti bayinza okukutomera nga bagitambuza, naye akawoowo kaayo naddala ku ssaawa nga 8:00 ez'emisana bw'okawulira, kayinza okukusiikuula enjoka naddala nga tolinaamu wadde ez'ekikomando.

**16** Kasasiro: Ekibuga kirimu ebifo bingi omubeera kasasiro nga tayooleddwa. Okusinga bino bibeera biriraanye obutale. Ono atera okuvaamu ekivundu n'okulukuta.

**17** Abasabiriza: Bano nabo bafuuse ekizibu oluusi ne bakuleetera n'okwebuuza oba tebalina byalo byabwe gye baava! Basabiriza abatambula ku bigere n'abavuga mmotoka.

**18** Abavuga ebipipa bya kasasiro: Bano balina engeri gye bavugamu ebipipa nga balinga abaagala bikutomere era bw'otabeesega bayinza okukutomera.

**19** Abaana b'oku nguudo: KCCA ebagobyeko entakera naye tebaggwaako! Tetumanyi oba nga buli lwe babakwata ng'enkya 'baleeta' abalala.

**20** Abasula ku kkubo: Bano beeraliikiriza abantu naddala abatambula ekiro, oyinza okulowooza nti yeebase mpozzi nga mubbi oba ng'akolagana n'ababbi. Oba waakamuyitako n'akuwendulira.




Kasasiro kye kimu ku bikutamya Kampala.

## Ekivundu, embwa, abafere n'abasazi b'ensawo

**21** Abeera enguudo: Bano tebafa ku batambula, ova awaka ng'engatto yo ogikubye eddagala emasamasa naye oba oli awo ng'agiyjyeeko enfuufu! Ate munnange tolina gy'omuloopa.

**22** Abalina obuzibu ku mutwe: Bano nabo mu Kampala mwebali, basaana okwegenderezza.

**23** Embwa: Mu kibuga mukyalimu embwa ezitaayaaya. Bw'oziraba zidduke anti tomanya eyinza okutandira ku ggwe okuluma.

**24** Ssigiri eziriko omuliro: Mu bizimbe ne mu bifo bingi mu Kampala abantu bafumbiramu nga bakozesa ssigiri. Zino essaawa yonna zisobola okuvaako obuzibu bw'omuliro mu kibuga.

**25** Abatunda Piraawo: Bano bakuba amaseppiki ge batundiramu piraawo amanene n'okwekanga ne weekanga mu nkola yaabwe ey'okunoonya bakasitoma.

**26** Abatambuza obunyama: Bano balina engeri gye babukyisaako nga busaala n'okusaala mu bulobo bwabwe obw'ebyuma n'owulira nga wenuuguuna.

**27** Abatambuza eddagala: Ensangi zino bano bali nnyo ku mudido ng'okusinga baliguza abasajja abaagala okwongera embavu mu kitanda kyokka tebakubuulira kipimo kituufu.

**28** Ekivundu: Ng'oggyeeko okuba nti kino kiva ku kasasiro, naye oluusi ekibuga kibaamu ne kazambi naddala mu budde bwe tulimu obw'enkuba.

**29** Okusala ensawo: Guno muze mukadde naye ne leero gukyaliмu. Beetala nnyo naddala mu kanyigo ka ssekukkulu ke tulimu.

**30** Abantunda ebyokulya: Muno mulimu ennanaansi, emapaapaali, wootameloni n'ebirala,.

**31** Banneekolera gyange. Abaana abawala bano bakyakolera ddala egyabwe ku situliiti ez'enjawulo mu kibuga. Ggwe atayagala kwesittala bakukaka okutambula emisana nga bo beebase.

**32** Abayimba ennyimba embi n'okuwemula: Mu kibuga omwo, waliwo abantu abeerimbika mu kuyimba ennyimba kyokka ne baziwemuliramu.

**33** Abakuba obucupa: Abasinga okukola kino be batembeeyi, bakikola mu nkola y'okuyita bakasitoma kyokka oluusi bamalako abantu emirembe.

**34** Abatunda eby'abaana: Bano bwe bakulaba ng'otambula n'omwana wo nga bamuwa eky'okuzannyisa era bw'otakimugulira ng'akaaba.

**35** Abatikka kasasiro basobola okumukuyiira.

**36** Amaduuka amafuutiike. Amaduuka mu kibuga gali kafukunya nnyo, ne bwoba olina ly'ogendamu nga ne gw'ogenda okulaba wayogedde naye, lisobola okukubula ate ng'oli mu kifo wennyini weriri.

**37** Abaliira mu ttakisi okugeza amagi, ebinyeebwa oba ffene bikumalako emirembe nga ggwe tobirya.

**38** Abalina endwadde: Bano bangi mu kibuga, bw'obatunulako tebalema kukwennyamiza.

**39** Engombe za booda ne takisi: Zino zivuga n'okusinga eza bbaasi ne loole, omwana wa bbooda bw'agikubira emabega owulira ng'omutima gwagala kukuvaamu era bw'otaba mugumu osobola n'okufunirawo embiro.

**40** Ebimotoka ebinene ebiyingira mu kibuga wakati.

**41** Abayambako mu kugaba ebifo w'osimba emmotoka yo. Bano oba waakatuuka mu kibuga n'ovuga nga baatandise dda okukwekubako nti bakulage w'opaakinga.

**42** Ebipande by'abeesimbyewo nabyo bitandise okufuuka ekizibu mu kibuga ng'obisangako abayimba, ababisiimuula n'ebintu ebirala ebigwa mu kkowe eryo.

**43** Abayita takisi: Bano bali ku buli siteegi efuluma ekibuga, bawoganira abantu ate abamu bakikola mu ngeri etali ya buvunaanyizibwa.

**44** Ebitaala by'oku nguudo okufa ebidduka ne byesiba

**45** Abaddaabiriza enguudo: Ng'oggyeeko okusiba enguudo era ne bazifunza nnyo ate ng'abantu bazikolerako, ate abamu balekawo n'ettaka.

**46** Ebbula lya kaabuyonjo ekiviirako Bannakibuga abamu okwekuniza ng'amafumbe.

**47** Okubulwa ebifo aw'okuwummulira. City Square abantu we baatuulanga ne bawummula, kati yasibwako akaguwa.

**48** Takisi enkadde: Zino bw'ozirinnya enkuba n'ekusanga bwe batazitega kaveera mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa ebaggwerako. Ebyuma ebikadde, bwebitakusala bisobola okukuyuliza olugoye.

**49** Bamakanika abatali beerufu: Bano baboogerako nti tebasumuludde mu mmotoka byuma beekansa. Singa oba otutte emmotoka yo okugikanika, beera mwegendereza.

**50** Abakwasisa amateeka ate nga tebagoberera mateeka

### OKUSOOMOZEBWA OKWO TUKUKOLAKO

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwabiine yagambye nti okusoomozebwa okw'enjawulo Bannakampala kwe basanga bakumanyi era bakukolako. Yakonoddeyo eky'abatembeeyi abayiwa emmaali yaabwe mu kkubo nti bano babakubiriza entakera okugenda mu butale.